

28th August 2016.

YE MUKAMA W'OBUGABIRIZI N'OKUGGIBWAAKO.1.

OKUFA N'OKUZIIKWA KWA SAALA.

Lubereberye 23.

Mu ssuula zaffe zino ezikomekkereza ekimu ku bitundu by'ekitabo ky'olubereberye ekikulu eky'obulamu bwa Ibulayimu, eyali omulonde wa Mukama Katonda era mukwano gwe, gwe yeeyitira ne nabbi we, mwe tulabira okufa kwa Saala mukazi we, okufumbiriganwa kwa mutabani waabwe Isaaka mu ssuula 24, awamu n'okufa kwa Ibulayimu kkennyini mu ssuula 25.

Era mu kkungubaga kw'okufiirwa awamu n'essanyu ly'okufumbiriganwa, mwe tukakasiza nti Mukama Katonda ye Mukama w'obugabirizi n'okuggibwaako, okwaawukana n'ebyo ebyayogerwa Yobu mu Yobu 1:21 nti “ Nava mu lubuto lwa mmange nga ndi mwereere, era ndiddayo nga ndi mwereere: Mukama y'ayawa, era Mukama y'aggyawo; erinnya lya Mukama lyebazibwe.”

Kubanga amazima gali nti wadde Yobu yabyoogera era Omwooyo N'abiganya okuwandiikibwa, okutegeera kw'embeera eyaliwo eri Yobu gy'ataategeera ng'abyogera erina ttukakasa nti Mukama ssi yeyamuggyako byonna ebyamuggibwaako, wabula yakiganya olw'esonga ffena kaakano zetumanyi obulungi, wadde ate endowooza ya Yobu eyiyizzibwaamu ennyimba era n'obubaka obuweebwa ku buli kuziika mu biro byonna.

Mukama Katonda okukira ku ba taata bonna, ssikiwa nti akugabira ebirungi ate n'abikukwakkulako mu ngeri y'ekikangabwa. Wadde ng'akiganya okuba bw'ekityo, olw'obuyinza bwe obw'enkomeredde afuula byonna ottubeera olw'obulungi bwaffe.

Mu kusooka okulaba okufa n'okuziikibwa kwa Saala muka Ibulayimu tusoma mu ssuula 23 bwe gwaali.....

- Saala mu kusosowaza obukulu bwe, ye mukazi yekka mu baibuli ayogerwa emyaaka gye mu kufa kwe. N'era emirundi ebiri mu Isaaya 51:1,2 awamu ne mu I Peetero 3:3-6, aweebwa ng'eky'okulabirako ekirungi gyetuli wadde nga yalina ensobi ze nga bwe tuzze tulaba. Ne Baebbulaniya 11:11,12 zigamba nti....

- Bw'atyo Ibulayimu yanyolwa nnyo era n'akungubagira mukazi we eyali munne mu biro byonna bukya bayitwa kuva mu Uli, omusobywo gw'emyaka 60, gwe baalabira awamu emyaka n'ebiro by'ennaku y'obugumba awamu n'ebyamagero by'obugabirizi bwa Mukama, obwaatikkirwa okubawa ezadde essuubize ly'omwana ow'obulenzi mu bukadde bwaabwe.
- Mu ttubuulira nga bwe yayingira okumukungubagira n'amukaabira, kiraga obutuufu bw'okwesumulula mu kunyolwa ng'engeri Mukama gyagabira abantu okufuna okuwonyezebwa mu kufiirwa naddala abaagalwa, olwo ne waba okuddizibwa mu nteeko, omuntu okusobola okweyongerayo mu bulamu. Omu ku b'ensoma yagamba nti okkaaba amaziga ye 'safety valve' Mukama gy'atuwa okutweetawuliza ekikangabwa ky'okufiirwa okw'amaanyi.(God's amazing safety valve to release the shock of a great loss. To suppress such emotion is un-natural and dangerous.)
Era abo abakyeegaana mirundi mingi tulaba ng'oluvannyuma kibaviiramu okuyisibwa obubi okusinga bwe kyandi saanidde.
Baibuli etukubiriza mu I Abasessalonika 4:13, obutanakuwala ng'abo abatalina ssuubi, ng'essuubi lyaffe lirina kusinziira mu kukkiriza kwaffe nti Mukama amanyi era ayinza byonna afuga mu buli mbeera nga Mukama w'obugabirizi n'okuggibwaako mu bulamu bwaffe, n'olw'ekyo erinnya lye lyebazibwe.
- Era mu kulaba mu bino byonna nga Katonda bwaali Mukama w'obugabirizi n'okuggibwaako, tulaba nga Ibulayimu yafuna okuganja eri Abakiiti gye yali asenze, ne bamuwa empuku awamu n'ennimiro mwe yali gye yali asiimye okuziika mukazi we. Era wadde yali asaliddwa omuwendo ogwa waggulu ogw'okubigula tteyadda mu nsaliraako, nga bwe kaali akalombolombo k'entunda oba eby'amaguzi by'abwe.

Era ng'enny. 17-20 bwe zigamba.....

Zino ze zaali entandikwa za Ibulayimu n'abazzukulu be bonna okutwaala ensi y'aba Kanani ng'aweereddwa mu butongole ebisigalirwa bye ne batabani be awamu ne bakazi baabwe we birigalamizibwa ku nsi. Kubanga tubuulirwa nti oluvannyuma, Ibulayimu naye yagalimizibwa omwo, awamu ne Isaaka ne Lebbeeka mukazi we era ne Yakobo ne mukazi we Leya.